


# EBIGAMBO BY'OLUGANDA

## EBITAKYAWULIRWA

OLULIMI lukula, lugaziwa oba okufunda olw'enkozesza y'ebigambo ebyo ebiriwo ate n'engeri gye lugunjaawo ebigambo ebipy. Olulimi Oluganda lulina ebigambo bingi ebitegeeza ebikolwa ebitali bimu ate n'ebyo ebiraga engeri ekikolwa gye kikolebwamu. Kyokka ebigambo bingi ebiraga engeri ekikolwa gye kikolebwamu bigenda bisuulibwa ne tusigaza biri byokka ebitegeeza ekikolwa ekyo. Leero katwejjukanye ku bigambo by'olulimi Oluganda ebitakyatera kukozesebwa ennaku zino ate nga birina amakulu mangi era nga biraga obugazi bw'olulimi Oluganda.

1. **Okuwoowoota-** Kitegeeza okusiisitira nga bw'onyeenya mpolampola omwana ng'oyagala yeebake
2. **Okunyaamanyaama-** Okuddukadduka ng'eno bwe weekweka olw'obuswatu
3. **Okuwaggirira-** Kwe kufuba ennyo okukola ekintu ekirabika nga ekitasoboka
4. **Okucaccaliza-** Kwe kutambula ng'obugere obusombera kumukumu bulinga obutatuuka ku ttaka, ng'okirako alinnye ku manda agoockya, bw'ositula obugere bw'obuzzaawo
5. **Okuwumpuguma-** Kuno kuba kutambula matumbibudde nga ggwe wekka ggwe oli mu kkubo abalala bona bali mu mayumba gaabwe beebase.
6. **Okuwunaawuna-** Kuba kutambula mu kizikiza nga tolaba gy'ogenda (nga mu bamuzibe) bw'odda eno bw'odda eri.
7. **Okuwaawaanya-** Okukola ekintu mangu mangu mu ngeri y'okukifundikira nga tofuddeeyo ku kunyiriza kivaamu.
8. **Okujogoolikana-** Be bantu abasukka mu omu okwogerera waggulu ate kumu nga tewali awuliriza munne era kiba kizibu okutegeera bye boogera.
9. **Okuwammanta** - Kwe kugezaako okunoonya ekintu mu kizikiza nga tokiraba na maaso, okinoonyesa ngalo.
10. **Okukukunuka** – Kwe kuva mu kifo ekikutte enzikiza oba gye babadde tebakusuubira kuba.
11. **Okuwunjawunja-** Bwe butatambula busimbalaala wabula n'ogenda ng'okyamakyama nga bw'okomawo ku kkubo erikutwala gy'olaga.
12. **Okutuubatuuba-** Kwa muntu abindabinda okukaaba n'asooka akuzibiikiriza ng'eno bw'abega emimwa.
13. **Okutandaggira-** Kwe kukuba ekigwo eky'amaanyi omuntu yenna n'atuuka ku ttaka ng'asoosezzaawo nkoonaa
14. **Okunyanyamuka-** Okwevaamu, okwewaliriza okukola ekintu wakati mu bunafu nga okwewaliriza okuzuukuka kyokka ng'oli mulwadde tolina na maanyi gasituka
15. **Okunyiibanyiiba-** Nako kwa muntu abindabinda okukaaba n'atandika okutemereza nga bw'abega emimwa.
16. **Okubandagaza-** Okufumba amangu mu ngeri ey'ekiyitamuluggyaa emmere y'amatooke gy'osuulamu obusuuzi oluggya n'ojjula n'okunyiga tonyiga.
17. **Okutitibana-** Kwe kwekebakkeba ekintu ekirabika nga kikuyinze obuzito oba amaanyi.
18. **Okutoŋŋoonya-** Kwe kufumiitiriza ennyo ku kintu n'okisensula, n'okigenda ebuziba ng'oviira ddala ku ntobo yaakyo.
19. **Okujonjobala-** Kwe kuba ng'obunye oba ng'osaabye ekintu ngakikujjudde wenna katugeze ebitoomi ebityanka n'ebirala.



20. **Okunjonjobala-** Kwe kuba ng'otobye wenna nga n'amazzi gatonnya
21. **Okuwadaawada-** Kwe kugezaako okukola ekintu ekirabika nga kizibu gy'oli.
22. **Okutebatteba-** Kwe kutambula olugendo oluwanvu ddala naye ng'oyanguyirira.
23. **Okuweneena-** Kwe kuseka mu ngeri ey'ekisirusuru oba eterina makulu
24. **Okutinattina-** Kwe kudduka akagendo akawera wakati mu kutyua.
25. **Okuyigaayigana-** Kwe kuba nga toteredde otuula bwe weeklyusa bw'osituka oba weebaka eno bwe weeklyusa bw'osituka olw'obulumi.
26. **Okufumbukula-** Ekintu ekifunda nga kivaamu ebantu ebingi ebyewagaanya okuyitawo..
27. **Okusiisiina-** Kwe kutambula ng'olina alina ekikuzitoowerera naddala ku mutwe.
28. **Okubulubuuta-** Kwe kutambula nga tomanyi gy'olaga, bw'odda eno bw'odda eri.
29. **Okuwolottala-** Lumonde bw'omufumba n'omulwisa ku muliro n'amyuka aba awolottala bwe liba ttooke kwe kuboobera.
30. **Okuuukkuuka-** Okumanyira okulya emmere ennyingi nga ne bwe bakuwa gye balowooza nti ekususseeko nga ggwe tekukkusa kubanga wamanyira okulya emmere ennyingi olubuto ne luleeguuka.
31. **Okwasiikana-** Kwe kuwowoggana.
32. **Okuffeffeta-** Kwe kunoonya ekintu buli wamu awasoboka.
33. **Okukootakoota-** Kwe kutambula ng'owese omugongo otunudde wansi ng'omugongo gulinga ogutasobola kwesimba
34. **Okukeŋenterera-** Kwe kweraliikirira ennyo ekintu ne kikulumya emmeeme.
35. **Okusokaasoka-** Kwe kukema oba okutandiikiriza omuntu ng'oyagala okumuggyamu ebigambo mu ngeri emusikiriza okwogera by'abaddie asirikidde.
36. **Okulokopya-** Kwe kwogerera waggulu ng'ate omala googera by'otolinaako bukakafu.
37. **Okutonta-** Kwe kudduka ennyo ng'oliko ky'otya kye weesega.
38. **Okulerembuka-** Kwe kuyomba ng'oyogerera waggulu
39. **Okusasambuka-** Kwe kuyomba nga bw'ovuma mu ngeri eweebuula.
40. **Okukangaza-** Kwe kuwakanya ebyogeddwaa mu ngeri eraga obuyinza.